Ecolebooks.com

**335/1**

**LUGANDA**

Paper 1

**OKUWANDIIKA EMBOOZI,
OKUFUNZA, GGULAMA
N'EBISOKO**

**June 2017**

**2 Hours**

# RESOURCE MOCK EXAMINATIONS, 2017

*Uganda Certificate of Education*

**S.4**

**LUGANDA**

Paper 1

**OKUWANDIIKA EMBOOZI, OKUFUNZA, GGULAMA N'EBISOKO**

**2 Hours 30 minutes**

## EBIGOBERERWA:

*Olupapula luno lulimu ebitundu bibiri:* **A** *ne* **B**

*Mu Kitundu* **A**, *mulimu nnamba* **1**(**a**) *ne* (**b**)

*Londako* (**a**) *oba* (**b**)

*Mu kitundu* **B**, *mulimu nnamba* **2** *ne* **3**

*Nnamba* **2**, *londako* (**a**) *oba* (**b**)

*Mu kitundu* **B**, *nnamba* **3** *yonna ya buwaze*

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

# EKITUNDU: A

**Kola nnamba 1(a) oba 1(b) mu kitundu kino**

1. a) Wandiika emboozi ya bigambo 400 ku mutwe wammanga.

i) Abayizi tebasaanye kusoma mu luwumuula. Kubaganya ebirowoozo.

**Oba**

b) Wanddika emboozi etakka wansi 200 ku mitwe egikuweereddwa wammanga.
i) Ggwe mukungu wa Ssaabasajja avunaanyizibwa ku byenkulaakulana. Wandiikira Katikkiro wa Buganda ku nteekateeka z'olina okutumbula enkulaakulana mu Buganda. (Kozesa ebigambo nga 150)

ii) Weefuule omusawo w'abalwadde ba mukenenya, owandiike alipoota gy'ogenda okwanjulira abantu ku ngeri y'okulabiriramu abalwadde ba mukenenya. (Kozesa ebigambo nga 200)

## EKITUNDU B

***Kola ekibuuzo 2(a) oba 2(b). (Buli kibuuzo kya bubonero 20)***

2. *a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100.*

Omufu tayogerwako kibi naye omugenzi Birabwa tosobola kumuviirako awo! Ono omukazi yali muzibu nnyo nnyo wabula ekyamuyamba obizibu bwe bwategeerekeka amaze okufa. Naye maama baba kumutegeera ng'akyali mlamu era ng'enkuyege zikyamukubira enduulu, teyandibuliddwa w'anywa otuzzi! Ddala eyamwalula oboolyawo yandisiridde! Naye tewali yamanya!

Birabwa yali mutuze ku kyalo Myanzi mu disitulikiti y'e Mubende. Yali amaze emyaka egisuuk mu asatu ng'atudde ntende ku kyalo okwo. Yabeeranga ne muwalawe Asiimwe ko ne kazzukuluke akayitibwa Kigongo. Tewali yalaba bagenyi bakyala wa Birabwa mu bbanga lye yamala kukyalo okwo naye tewali mutuuze yasiinya ku nsonga eno kuba tewali kikyamu kyonna kye yakola kutuuka kumwekengera.

Ekiseera kyatuuka nga muwalawe takyalabika ku kyalo. Olw'omukwano abatuuze gwe baalina ku maka ga mukyala Birabwa baatandika okumubuuza

muwala we Asiimwe gye yali yalaga. Bangi baamusaasira nw bamuwa amagezi ayise ebirango ng'alanga muwalawe eyamubulako naye ye yagaana era yabaddangamu nti alidda bw'aliba ayagadde. Ebbanga lyagenda liyita mpola ebya Asiimwe ne byerabirwa era ne biva ku mimwa gy'abantu.

Nga wayise ekiseera ekiwerako mokadde Birabwa yafa bw'atyo n'agenda e zirakumwa. Abatuuze baateesa bamenyewo akayumba akakadde Birabwa mwe yali asula, omulambo baguzze mu eri empya eyali emaliriziddwa obulungi, nti waakiri nnyiniyo Birabwa agisulemu olunaku ne bwe lunaaba lumu yadde nga mufu naye era ng'agisuzeemu. Era bwe gwali. Nga basitula mulambo nga bagutwala mu nju mpya!

Tebaalwa nga batandika kukoonawo nnyum,ba nkadde basoboleokugyerabira ddala. Ho! Ekyama kigenda okubotolwa! Kigongo ky'ava akabatema nti mu kisenge ekimu mwalimu omulambo gwa ssengaawe Asiimwe. Abatuuze kata bagwewo ekigwo! Poliisi eyitiddwa bukubirireejje erabe ogubadde. Nayo yasitukiramu ng'eyatega ogw'ekyayi. Olwali okuggula ekisenge nga ku ŋŋumbagumba kwe balaba. Abatuuze beewuunya okulaba nti Birabwa yali asula mu nnyumba n'omufu okumala emyaka 12 be ddu!

3. a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwawo. (obubonero 20)

i) Bulijjo nkugamba ng'ontunuulira …………… nti omaze okusoba ojja weegonza nkukolereki?

ii) Ensimbi mwana mulenzi z'alina zitotoogana nga ……. era wa kugula ekyalo kyonna akimalewo.

iii) Vvaawo naawe teweekyusiza mu kiti nga ……. Ng'obwedda ggwe tugumiddeko nti onootuwerekerako!

iv) Bwe yagaana okuwuliriza nnyina nange ebyokumubuulirira ne …… enta.

v) Okudda kw'ebibuuzo by'omwana oyo kuli mu ………… engeri gye baamukwata lubona ng'akoppa.

vi) Oyo omusajja ye muveeko, bw'ayogera asuula ne ………….. tomwesimbamu n'om usobola.

vii) Mu baddusi b'omwaka guno olukoba tulusibidde ku mwana mulenzi Mukasa anti tadduka aweneenya ..................................

viii) Omulwadde olwakubye ku ............... ne bamusiibula era kati ali waka.

ix) Okusalawo okulya emmere ew'omukyala oyo kuba ....... Mwoyo ng'enkoko emira ensanafu anti mbu tawa butwa yeereka atyo!

x) SSekinyomo yagudde ku ............ eriko omwana bwe yagenze okulaba omusibe mu kkomera ate naye ne bamuggulako omusango.

b) i) Ddamu owandiike sentensi zino ng'ogoberera ebiragiro ebiri mu bukomera. (obubonero 5)

- Aligaweesa mukulembeze. Obua mukulembeze. (Yunga sentesi ezo nga weeyambisa akagambo akayunzi)
- Mu luggya omwo temuli muntumulamu. (Sentensi gizze mu bungi 'Plural')
- Owaange Nakato otambula bulungi. (golola ensobi mu sentensi eno)
- Waata bulungi bano bakulabireko olwaleero. (Saza ku nakongezakikolwa ey'empisa)
- Tunaasanyuka nga tumaze ebigezo (Saza ekiseera ekijja)

ii) Amannya gano gateeke mu mbu z'amannya mwe gagwa:- (Obubonero 5)

- Bbaati
- Kutiya
- Mmunyeenye
- Ssere
- Omwango

*****BIKOMYE WANO*****

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM